Mukandoli afudde

Posted by omuana isaacs - 2008/05/25 06:07

EYALI akulira essomero lya Buganda Road Pulayimale Muky. Rose Mukandoli afudde.

Mukandoli, 64, yafiiridde mu maka ge ku kyalo Dandira kiromita ng'emu ku luguudo oluva e Mukono okudda e Katosi ku ssaawa nga ssatu ez'oku makya g'Olwomukaaga.

Obulwadde bwa kkansa w'amabeere obumutawaanyizza okumala akabanga bwe bwamusse. Mu maka ge abantu abaagenzengayo okukubagiza bakira tebeekubagiza wabula nga bayimba nti "Tumutendereze Yesu". Omusasi ono yagugumbuddwa abooluganda bwe yasaasidde abafiiriddwa nti "nga kitalo."

"Kitalo, obigamba ani ebyo, obukaafiiri bukutawaanya omuntu waffe abadde omulokole, ffe tujaganya Rose agenze mu Ggulu ate ggwe owoza kitalo, lokoka mangu kubanga ogenda kuzikirira", bwe baagambye.

We natuukiddewo eggulo omulambo gwabadde gukyasibiddwa mu kisenge era nga muto w'omugenzi Muky Joy Kinana yagambye baabadde bakyalinda musawo agukoleko balyoke baguteeke mu ddiiro gulabweko abantu. Waakuziikibwa mu maka ge e Dandira.

Mukandoli yali mukulu wa ssomero lya Mengo Pulayimale ne Gayaza Junior n'alyoka agenda ku Buganda Road gye yawummulira emyaka ena egiyise.

BANNANGE BA "OB" NE BA "OG" BE MENGO NGA TWESIMYE KUBANGA TEWALI KUBUUSA BUUSA AGENZE MUGGULU. ABADDE AYAGALA NYO KATONDA WE.

She always insisted on being addressed as "MISS Rose Mukandooli" so allow me to say.....Miss Rose, mukama akuwummuze mirembe ggwe wanjigiriza okusoma nokuwandiika.

Long live Mengo Primary Sch. Long live Mukandooli's Legacy.

Omuana Isaacs.

==========

Re:Mukandoli afudde

Posted by DENIS JK - 2008/05/25 07:00

---

anti ekya "nga kitalo kyaganiddwa" kale nange kambegatteko mu kujaguza kwomukadde oyo okugenda mu ggulu.

wabula nze kye nandirowoozezza kiri nti abaganda okusaasira abfiirwa nti nga kitalo , trkiba kibi kubanga babeera tebategeeza nti omugenzi agenze mu ggeyeena NEDDA.

kuli kuba kusaasira nga kugendereddwa okugumya emitima gyabo ababa baviiriddwako omwagalwa waabwe gwebaba tebasubiira kulaba mu bwangu.

kino njagala okifaananyeko, omukyalawo oba omwagalwa wo yenna nabeera nga alin gyagenda kyokka nga ajja kulwayo nnyo wabula nga ensonga emutwala nkulu nnyo era nga byagoba obimwagaliza, awo bwomugamba nti "im gonna miss you" sirowooza nti obeera otegeeza nti byagendako tobyagala , NEDDA.

nze ndowooza nti eba nsaalwa yakulwawo kulaba munno ate nga sikyangu kumanya wa nemunno byaba agenda okuyitamu.

kyokka sivumirira nzikiriza eyo nedda, wabula nteesa buteesa nti tekyandilabiddwa bubi oli bwaba akusaasira olwa munno gwogenda okulwawo okulaba newankubadde nga gyalaga oba olyawo oyinza okuba ngokimanyi nti byagendako bifuna.

mpozzi bambi omuana nkwebaza okutegeeza kubantu bonna, webale nnyo sebo.

oli mu munchen kati oba kya ddondo.

bambi weebale nnyo nobuyimba bwaffe. nange ndiwano ninze owange ansange mu "love mood"

akuume

nze DENIS JUDE KALAGIRA (OSNABRUCK)

==========

Re:Mukandoli afudde

Posted by mike - 2008/05/25 11:17

Nnange bannange nsaba okubaako nekyengyogera ku bulamu bw'omugenzi Mukandoori.

Sigya kwogera bingi naye omukyaala oyo emyaka gyenamumanyiramu nsobola okugamba nti yandaga omutima ogw'obuzadde, yandaga obwagazi ate era nandaga nti munsi mulimu abantu abasobola okkugumiikiriza ng'omuntu n'okuwa omukisa okwelwanako oveeyo.

Mukyaala Mukandoori ye yali omugenyi omukulu ku kabaga k'okwekulisa emisomo gyange akaali e Lungujja mumwaka ogwe nkumi biri mu gumu (2001). Nfuna essanyu lingi bwenzijukira emyaka egyesanyu n'okuyiga Mukyaala Mukandori gye yandaga.

Ate era olwokuba manyi nti Mukyaala Mukandori abadde akiririza mu bulamu obuggya nga obw'ensi enno buweddewo, nina essanyu ku mutima kuba manyi nti agenze mukifo kyabadde y'enyumiririzaamu obulamu bwe bwonna.

Mukama amwanirize mukitiibwa.

==========

Re:Mukandoli afudde

Posted by rambuka - 2008/05/25 12:16

Banange nga kitalo ekyo kuffa kwa Mukandoli

==========

Re:Mukandoli afudde

Posted by tonto - 2008/05/25 12:24

---

mike wrote:

Nnange bannange nsaba okubaako nekyengyogera ku bulamu bw'omugenzi Mukandoori.

Sigya kwogera bingi naye omukyaala oyo emyaka gyenamumanyiramu nsobola okugamba nti yandaga omutima ogw'obuzadde, yandaga obwagazi ate era nandaga nti munsi mulimu abantu abasobola okkugumiikiriza ng'omuntu n'okuwa omukisa okwelwanako oveeyo.

Mukyaala Mukandoori ye yali omugenyi omukulu ku kabaga k'okwekulisa emisomo gyange akaali e Lungujja mumwaka ogwe nkumi biri mu gumu (2001). Nfuna essanyu lingi bwenzijukira emyaka egyesanyu n'okuyiga Mukyaala Mukandori gye yandaga.

Ate era olwokuba manyi nti Mukyaala Mukandori abadde akiririza mu bulamu obuggya nga obw'ensi enno buweddewo, nina essanyu ku mutima kuba manyi nti agenze mukifo kyabadde y'enyumiririzaamu obulamu bwe bwonna.

Mukama amwanirize mukitiibwa.

Kyokka ate ebyembi, eriyo abantu abatakkiriza nti eriyo Katonda, n'obulamu oluvanyuma lwokufa. Wabula fenna ababadde bamanyi Mukyala Mukandori, tumanyi nti abadde mukkiriza eri Katonda.

Tusaana tukimanye nti obutakkiriza nti Katonda jaali, ekyo tekimujjaawo. Asigala jaali, yadde abamu nga balowooza nti taliiyo.

==========

Re:Mukandoli afudde

Posted by Kalibattanya - 2008/05/25 18:22

Awummule mirembe omusomesa wa bannaffe.

==========